# Kkamera 10 zaakwata Okello ng'agenda okutta abaana

Bya MARGRET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA

OLUDDA oluwaabi luleese obujulizi bw'obutambi bwa kkamera ezisoba mu 10 obulaga engeri Christopher Okello gye yatambulamu okuva nga April 1, 2026 n'enkeera lw'agambibwa okukola obutemu n'atta abaana bana ku Ggaba Early Childhood Development Center.

Oludda oluwaabi lufunvubidde okuleeta obujulizi obulumika Okello ku butemu. Okello ali mu maaso g'omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha owa Kkooti Enkulu etuula e Ggaba awaali obutemu. Ofiisa wa poliisi Emmanuel Odongo, omukugu mu kwekenneenya obutambi bwa kkamera za CCTV alaga engeri Okello gye yatambulamu okuva e Kyanja n'ayita e Nakawa, Kibuli n'atuuka e Ggaba.

Odongo yagambye nti, beekenneenya obutambi bwa kkamera za poliisi n'ez'obwannannyini okuva nga April 1, 2026 n'enkeera. Ono ye yeekenneenya obutambi bwe yalaze kkooti nga Okello avuga mmotoka ekika kya RAV 4 oluvannyuma eyamulemerera n'agitwala ku ssundiro ly'amafuta erya Shell Jjinja Road.

Okello yatuuka ku kifo, ng'akozesa boda ng'aweese akasawo ku mugongo ne ku maaso ng'ataddeko gaalubindi.

Obutambi obwalagiddwa kkooti bw'alaze nga Okello avuga okuyita mu makubo ag'enjawulo okutuuka ku Shell. Omujulizi omulala yabadde eyakuliramu okwekenneenya ekifo awazziddwa emisango Jimmy Mutaka okuva ku poliisi e Kabalagala n'annyonnyola kkooti bye yazuula awaakolebwa ettemu.

Yagambye nti, mu kifo mwalimu ensawo enzirugavu eyamuweebwa nti, yali ya Okello nga muno mwalimu magalo, ekkufulu n'ebisumuluzo bisatu, eddagala ekika kya Ekrone, Panadol n'obwambe obukozesebwa okulongoosa.

Mu birala mwalimu olupapula oluddugavu, bbulaasi ekuba engatto, essimu ennene omuli layini ya MTN, lisiiti y'okusasula ebisale ennamba 2958 nga kuliko erinnya Zuriel Onyum, ssente 195,000/- n'ennaku z'omwezi April 2, 2026.

Mu nsawo mwalimu essimu endala eyalimu layini ya Airtel. Mu birala ebyazuulibwa z'engoye eyali alabirira abaana ze yalimu. Agamba nti, oluvannyuma yeetegereza oluggya omwali mujjudde omusaayi n'akubawo ebifaananyi nga bino bwe byaggwa n'agenda ku ddwaaliro lya Wentz awaali emirambo.

Omulala yabadde, akulira okunoonyereza ku poliisi e Kabalagala D/AIP Eserait James (40) eyakuliramu okwaza omuzigo gwa Okello eyabuulidde kkooti nti, Okello bwe yalaba abantu basazeeko we yaddiza omusango okumutuusaako obulabe n'akubira poliisi essimu eggye emutaase.

Eserait yagambye nti, Okello yamutegeeza nti, yali amanyi ebiyinza okuva mu bikolwa bye okwali okuttibwa oba okutuusibwako obuvune kye yava akuba mangu essimu bamutaase.

Bwe baayaza ewa Okello, Eserait yagambye nti, baazuulayo ebyambe mukaaga n'ebintu ebirala. Bino bye bigambo bya Mutaka ng'omuwaabi wa Gavumenti amusoya ebibuuzo:

**Muwaganya:** Amannya go?

**Omujulizi:** Mutaka Jim nga nkola gwa kwekenneenya ebifo awazziddwa emisango ne nkuba ebifaananyi by'ebifo awateeberezebwa okuddizibwa emisango. Nga nkolera ku poliisi e Kabalagala.

**Muwaganya:** Bbanga ki ly'okoledde e Kabalagala?

**Mutaka:** Nkoleddewo emyezi 9 ate mu poliisi emyaka ena.

**Muwaganya:** Mirimu ki gw'okola mu poliisi?

**Mutaka:** Mpandiika ebibeera awakoleddwa ettemu ne nkola lipooti etwalibwa mu kkooti.

**Muwaganya:** Obiwandiika otya?

**Mutaka:** Nkuba ebifaananyi n'okuwandiika ebizuuliddwa mu kifo awazziddwa omusango.

**Muwaganya:** Osobola otya okumanya lipooti gy'okoze?

**Mutaka:** Kuliko ennaku z'omwezi, amannya n'omukono gwange.

**Muwaganya:** Wakola mulimu ki mu musango guno?

**Mutaka:** Natuuka mu kifo awaali ettemu ne nkyekenneenya era ne nkola lipooti byonna ebyazuulibwa mu kifo ne mbiwa abaserikale abakola ku kunoonyereza.

**Muwaganya:** Weetegereze ekiwandiiko olabe oba okitegeera.

**Mutaka:** Lipooti ngirabye era ngitegeera ku musango gw'obutemu.

**Muwaganya:** Ggwe wagikola?

**Mutaka:** Yee, kubanga kuliko ebinkwatako n'omukono gwange.

**Muwaganya:** Ku musango ki?

**Mutaka:** Ogw'obutemu CRB 026/ 2026.

**Omulamuzi:** Wagikola ddi?

**Mutaka:** April 10, 2026.

**Omulamuzi:** Oludda lw'omusibe mulina kye muwakanya?


**Stella Awelo:** Tetulina kye tuwakanya oweekitiibwa Omulamuzi.

**Omulamuzi:** Ennaku z'omwezi ziri wa Mr. Jim Mutaka?

**Mutaka:** Oweekitiibwa ennaku z'omwezi nnazeerabira okuzissaako mu kutayipinga ku kompyuta.

**Omulamuzi:** Kkooti ekkiriza ekiwandiiko nga ekizibiti eky'e 10 ku ludda oluwaabi?

**Muwaganya:** Buulira kkooti ekyaliwo nga April 2, 2026.



MOSES NSUBUGA

Mmotoka Okello (mu katono) gye yali avuga. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

**Mutaka:** Nga April 2, 2026 ku ssaawa 5:30 natumibwa atwala eby'okunoonyereza e Kabalagala, James Esrite, okugenda awazzibwa omusango.

**Muwaganya:** Ludda wa?

**Mutaka:** Ggaba Early Childhood Development Centre e Makindye.

**Muwaganya:** Wakola ki oluvannyuma?

**Mutaka:** Nnatereeza ebikozesebwa SOCO (akola ogw'okwekenneenya ebifo awazziddwa omusango baamukazaako lya SOCO (Scene Of Crime Officer) ne be nkola nabo okwali Esther Adelo.

**Muwaganya:** Ludda wa era kiki ekyaddako?

**Mutaka:** Twegatta ku ttiimu ekola ku by'ettemu.

**Muwaganya:** Kiki ekyaddako bwe mwatuuka?

**Mutaka:** Nasanga abantu abanyiivu nga baagala kukwata ku avuunaanibwa.

**Muwaganya:** Yali ludda wa?

**Mutaka:** Yali aggaliddwa.

**Muwaganya:** Wamanya abaamukwata?

**Mutaka:** Abakuumi ba Ggaba Community Church.

**Muwaganya:** Kkooti gibuulire bye wazuula mu kutuuka.

**Mutaka:** Awaali ettemu.

**Muwaganya:** Lwaki okiyita ekifo awatandikirwa omusango.

**Mutaka:** Kuba we wali ku bimu ebyazuulibwa ku ttemu ly'abaana.

**Muwaganya:** Aaahhaaa

**Mutaka:** Nafuna ebifaananyi by'abaana abattibwa.

**Muwaganya:** Waliwo ebirala bye wazuula?

**Mutaka:** Essomero lirina ekizimbe kimu ekitunudde eky'emmanga' ekyetooloddwa sseng'enge.

**Muwaganya:** Waliwo ekirala?

**Mutaka:** Okutuuka mu kifo walina kuyita ku ggeeti ku Church Road. Mu luggya kwaliko sseminti ne kapeti eya kiragala.

**Muwaganya:** Genda mu maaso.

**Mutaka:** Munda Mulimu ekizimbe ekiriko ebisenge 6, bibiri nga ofiisi, ebirala 2 bya kuwummuliramu abato, ekirala mwe basomera ate ekirala kye kiyungu ekitunudde abaana we bazannyira.

**Muwaganya:** Aaahaa?

**Mutaka:** Olupapula olwomunaana kuliko ebifaananyi abaana we baali babeera ne we bazannyira. Olwomwenda ebifaananyi by'omusaayi, eby'okuzannyisa by'abaana ebiri mu luggya.

**Muwaganya:** Biki ebiri mu bifaananyi?

**Mutaka:** Ebifaananyi abiraga.

**Muwaganya:** Kiki ekirala kye wazuula?

**Mutaka:** Ku lubalaza nnalaba omulambo gw'omwana omulenzi ogwali gutunudde waggulu.

**Muwaganya:** Aaahaa?

**Mutaka:** Ku muko ogw'e 10, nakuba ekifaananyi ky'omulambo gw'omwana.

**Muwaganya:** Wamumanya?

**Mutaka:** Omulambo gwali gwa Ryan Odeke.

**Muwaganya:** Ekirala kye wazuula.

**Mutaka:** Mu luggya waaliwo n'omusaayi. Ku muko ogw'e 11 nakuba ekifaananyi ky'omugenzi nga bwe twamusanga.

**Muwaganya:** Ate omuko ogw'e 12

**Mutaka:** Nakuba n'ebifaananyi ebiraga omubiri gw'omugenzi we baamusala ku bulago, ku ddyo.

**Muwaganya:** Omulambo gwa Ryan wagukolako?

**Mutaka:** Twaggya omusaayi awaasalibwa ne tugutwala okugwekebeggya.

**Muwaganya:** Lwaki, nga SOCO mwabiggyako?

**Mutaka:** Okuzuula obutonde (DNA) y'omugenzi, n'okuzuula (DNA) y'omulala yenna eyamukwatako.

**Muwaganya:** Kiki ekirala?

**Mutaka:** Twazuula engoye ku mugenzi ne tuziramba.

**Muwaganya:** Ng'oggyeeko okuziramba ki ekyaddako?

**Mutaka:** Twazitwala okuzeekebeggya.

**Muwaganya:** Kiki ekirala?

**Mutaka:** Mu luggya omusaayi gwalambibwa nga 5, 7, 8, 9 ne 14

**Muwaganya:** Oluvannyuma lw'okulamba?

**Mutaka:** Twafuna ku musaayi ogwo era ne gulambibwa

**Muwaganya:** Kiki ekyaddako?

**Mutaka:** Ku musaayi awalambibwa kwaliko gaalubindi ezaali enzirungavu ku musaayi 14.

**Muwaganya:** Aaahaa?

**Mutaka:** Galubindi zaaliko omusaayi.

**Muwaganya:** Aaahaa...

**Mutaka:** Ku muko 14, kuliko ebifaananyi okuli ekiraga gaalubindi n'omusaayi.

**Muwaganya:** Aaaaha?

**Mutaka:** Ekifaananyi ekirala kiraga omusaayi ogwali mu luggya.

**Muwaganya:** Aha?

**Mutaka:** Ekifaananyi 5 ne 9 biraga omusaayi ogukaze n'omupya mu kifo awaali ettemu.

**Muwaganya:** Waliwo ekirala kye wazuula?

**Mutaka:** Ekiso ekiddugavu ekyasuulibwa wabweru w'ekikomera.

**Muwaganya:** Ekiso ekyo wakizuula otya?

**Mutaka:** Nabuulirwa Phoebe Namutebi alabirira ekifo kino nti, oluvannyuma lw'okukwata omutemu yakanyuga ekiso wabweru wa sseng'enge.

**Muwaganya:** Kiki ekyaddako?

**Mutaka:** Nafuluma era ne ndaba ekiso ekyo.

**Muwaganya:** Bwe wakiraba?

**Mutaka:** Ne nkikuba ebifaananyi ku muko ogw'e 15.

**Muwaganya:** Wapima

**Mutaka:** Nakola ebipimo awasuulibwa ekiso ebyali mu ffuuti 21 okuva ku ludda lw'ekizimbe ekimu.

**Muwaganya:** Ate ekiso kyennyini.

**Mutaka:** Kyali kyenkana 1.1 ffuuti obugazi ssentimita 4.

**Muwaganya:** Ekirala kye wazuula.

**Mutaka:** Waliwo ebirala bye twazuula ku bantu abaasookawo, era number 7, 8, 7, 6 PC Aaron Omwa, omuserikale wa poliisi KMP South eyakwata ebiso bibiri ebiddugavu nga bisongovu waggulu nga biyitibwa Pigeon era ne birambibwa.

**Muwaganya:** Nga SOCO wazuula ebiso ebibiri (2) we byaggyibwa?

**Mutaka:** Omwana yagamba ebiso yabiggya ku avunaanibwa.

EBIRALA MU BUKEDDE W'ENKYA